REBUILD

Boosting Livelihoods




# EKITABO KY'ABEETABYE MU KUTENDEKEBWA

## LUGANDA

INTERNATIONAL RESCUE COMMITTEE

# Ebiri mu katabo

**Amawulire aga bulijjo**

Ennyonyola ya pulogulaamu ........ 3

Okunnyonnyola akalulu ........ 7

Ebiseera bya pulojekiti ........ 8

**Amawulire Gaffe**

Etteeka ly'empisa ........ 9

Tutukirire ........ 11

Okuyamba ku kutulugunyizibwa ........ 12

**Amawulire agakwata ku bizinensi**

Ebikozesebwa mu kutendeka bizinensi ........ 13

Empapula ezitaliiko kintu kyonna okuwandiika ko ........ 40

**Foomu**

foomu y'okukkiriza ........ 45

# Ekiwandiiko ekinyonyola Pulogulaamu ya Re:Build

**Ekigendererwa ekikulu ku pulogulaamu ya Re:Build:** IRC yekulembedde mu pulojekiti eno okulaba nti etumbula embeera z'ababudami ne bana Uganda mu Kampala. Empeereza yaffe ekoleddwa kuyamba gwe mu businessi. Jjukira: pulogulaamu eno yabwerere eri gwe era nga tewetaaga ku IRC kintu kyonna leero yadde ne budde bwo mumaaso.

Tukuyozayoza okuba nga olondeddwa!

**Biki byemusobola otusubiramu**

Twatandika pulogulaamu eno eya bizinessi entono kubanga tumanyi nti obukugu mu kuddukanya bizinessi, bya nkizo nnyo mu kubeera ne bizinessi ennungi. Ekitundu ekisooka ku pulogulaamu kigenda kubeera ku '**Buyigirize (mentorship**.

Buli omu ku pulogulaamu eno muyizi oba muyigiriza. Buli muyigiriza (mentor) agenda kuweebwa abayizi oba ba "mentees" Abayigiriza balondedwa okusinzira ku budde bwebamaze mu buzinessi n'okwewayo okuyamba abalala mu bitundu byetubeeramu. Abayizi balondedwa kubanga bagala okutandikawo bisinessi oba okwongera okulakulanya bisinessi zabwe.

Mugenda kwogera ku bukoddyo, endowooza zamwe n'ebibasomooza nga bananyi buzinessi. Omuyigiriza (mentor) agenda kulembera, naye nga tusubira Mugenda kolera wamu nga akabondo okulaba nti buli businessi ekola bulungi. Twagala muwulire nga abali ku tiimu yemu era nga mwekubiriza , kugabana byemumanyi n'okukolera wamu okulaba nti bizinessi z'eyongera mumaaso.

Ekirala tubawadde **obutabo omuli ekitundu ekikwata ku bizinessi,** <u>ku lupapula nnamba 13 mu katabo.</u> Ekitundu kino kirimu ebibuuzo ku ngeri ez'enjawulo z'oyinza okusanga mu bizinessi yo mu nnaku ezabulijjo. Ekitundu kino kitekeddwa mu katabo okusinzira ku nonyereza egamba nti engeri ez'enjawulo zino ziyamba bizinessi entono okukula n'okukola ennyo. Naye, twetaaga kukozesa katabo kano singa oba toyagadde, kaliwo kuyamba.

Tukoze **n'obutambi obulimu ebifananyi oba obuzanye** nga era bwogera ku bizinessi. Obutambi buno buliwo kubayamba. Tusubiira obutambi buno okubayamba mu kunyonyola ebiwandikiddwa ku bizinessi mu butabo era n'okutandika enkiiko mukabondo ko. Osobola okubulaba mu budde woyagalidde.

Ekitundu eky'okubiri ku pulogulaamu ye **'business grant' oba ssente za bizinensi** nga zabo abayigiriza (mentors) n'abayizi (mentees). Buli omu wakufuna ssente zino nga ziyita ku mobile money.

**Abayigiriza (mentors** ) bagenda kufuna ssente akakadde kamu 1,000,000 UGX ku lw'obudde bwabwe bwebagenda okuwaayo okubayigiriza n'okuyamba bizinessi zamwe okwongera okula. Tubebaza nnyo era okulaga ekyo, kunkomerero ya pulogulaamu tujjakuwa abayigiriza (mentors) ka bonus ak'akasiimo ka ssente 200,000 UGX. Akasiimo kano kajja kutuuka mu bbanga lya mwezi 6 ng'enkiiko ziweddeyo.

**Abayizi** bagenda kufuna ssente za bizinessi obukadde bubiri [2,000,000 UGX] okutandika oba okwongera mu bizinessi zabwe. Tubakubiriza, okukozesa ssente zino mu bizinessi. Olw'okuba empeereza eno kitundu ku kunonyereza, twagala okumanya ngeri ki zemukozesamu ssente zino n'olwekyo tusaba mubeere bamazima nga muddamu ebibuuzi byaffe kungeri gyemukozesamu ssente zino. Enkozesa ya ssente zino tegenda kossa kwetaba kwo mu pulogu;laamu eno yadde endala zonna.

Ensonga lwaki ssente zino zigenda kujja oluvanyuma lwa wiiki 6 eri nti, osobole okufuna akadde akakola enteekateeka , ku nkozesa ya ssente zino. Tubakubiriza okuteeka ssente zino mu bisinessi zamwe musobole okufunamu okumala akabanga akawerako naddala ebiseera eby'omumaaso!

Ekyo ky'ekitundu ekya "ssente za bizinessi' oba business grant ku pulogulaamu ya Rebuild.



Ekitundu eky'okussatu ku pulogulaamu ya ReBuild **z'essente z'entambula.** Abayizi bagenda kufuna ssente emitwalo abbiri (200,000UGX) mu budde obutali bwawala. Ssente zino zigenda kuyita ku mobile money. Ssente zino zirina okutambuza okumala ebbanga lya myezi 6 egya pulogulaamu. Olina okukakasa nti ssente zikumazako pulogulaamu yonna. Oyina okwetaba mu nkiiko buli wiiki nga okozesa ssente zino.

Ekyo kye kitundu kya ssente z'entambula ku pulogulaamu ya Re:Build



Ekitundu eky'okuna ku pulogulaamu ya Rebuild, egenda kuwa abantu omukisa okufuna ssente endala *nga ovudde* ku za biziness n'entambula. Ekitundu kino **kye ky'akalulu oba lottery.** Ogenda kufuna omukisa okuwangula ebirabo bya ssente nga bisinessi ya buli omu mu kabondoko nzigule. Singa bisinessi y'omuntu mu kabondoko nzigule, awo ogenda kuyingizibwa mukalulu. Kitegeeza nti , singa bisinessi zonna ssatu (3) ez'abayizi mu kabondo ko nzigule, buli muntu mu kabondo awangula ebirabo bya ssente bissatu (3).
Akalulu akasooka kakubeerawo mu wiiki 8. Abayizi mwenna, olina otubulira nga bizinessi yo nzigule. Awo omukozi wa IRC ajje okulambula n'okumanya w'okolera nga kw'ogasse essawa z'okoleramu. Edaala lino lyamugaso nnyo kuba lijja tusoboseza okukomawo okulambula bizinessi yo olulala.

Buli bizinessi enzigule oluvanyuma lwa wiiki 8 ejja kuyingizibwa mu kalulu. Akalulu kano kakolebwa kyuma oba 'computer'. Abawanguzi b'akalulu bajja kubeera bangi naye tekitegeeza nti buli omu ayingira akalulu ajja kulondebwa mu kyuma oba 'computer'

**Ebisingako awo ku kalulu bisange ku lupapula nnamba 7 mu katabo kano.** Jjukira nti, obungi bwa ssente z'owangula okuva mu kalulu zisinziira ku balala mu kabondo ko. N'olwekyo, kirungi nnyo okulaba nga mukolera wamu mu kabondo era nga mwekubiriza.

Ekyo ky'ekitundu ku kalulu mu pulogulaamu ya Re:Build.



Ekisembayo, oluvanyuma lw'emyezi 6, tujja kubeera n'omukolo gw'okutikira **n'ekipalati** buli omu amalayo pulogulaamu eno eya businessi entono ku ReBuild.

Okuddamu, ebyo **by'ebitundu ebitano** byemusobola okutusubiira mu
1. Obuyigirize
2. Ssente za bizinessi (business grant)

3. Ssente z'entambula
4. Omukisa okuwangula ssente endala ng'oyita mu kalulu
5. Ekipalati

**Biki byetubasubiramu:**



Tusaba **musisinkane era mutuuze enkiiko mu bubondo bwamwe** omulundi gumu mu wiiki okumala essawa 1 mu bbanga ly'emyezi 6. Mujja kusalawo nga akabondo wa wemunatuuza enkiiko zino. Mu nkiiko zino, Omuyigiriza ajja kulembera enkiiko zino . Tusubira nti enkiiko zino zigenda kubayamba atte nga Mugenda kwagala okusigala nga musisinkana nga pulogulaamu ewedde!

Nga musisinkana abantu mu pulogulaamu eno, kikulu nyo **okukuuma ekitiibwa n'okiwa abalala**. Okwemulugunya mu neyisa embi okwekika kyonna tekukirizibwa. Asanga obuzibu bwonna, okugeza towulira bulungi kubeera mu kabondo ne muyizi muno- tusaba okozese ennamba yaffe otubulireko. Ennamba zino n'ebikwata kwe'kyo bili mu katabo ko ku lupapula **nnamba 11**.

Pulojekiti eno erinna ebirubirirwa bibiri: okuddukirira gwe n'abantu abalala nga gwe era *n'okukola okunonyereza ku pulogulaamu ki ezisinga okukola naddala mumaaso.* Okusinzira nti eno pulogulaamu nayo ekola okunonyereeza, abantu abalala ku pulogulaamu nga gwe bagenda kufuna pulogulaamu eno yemu naye nga mulimu ebikyuseemu ebitonotono. Pulogulaamu zonna zikoleddwa kubaddukirira nga zikwataganira wamu n'embalirira yaffe era nga okulondebwa kwo okubeera mu pulogulaamu eno kukolebwa ekyuma oba 'computer.



Olw'okuba tugenda kola okunonyereza, **tusaba mwetabe mu k'ookya bibuuzo yenna** mu bbanga lino. Olwa kino, ekitongole kya 'Consortium for Research in Uganda oba (CRU)" kigenda kola omulimu gw'okunonyereza nga kiyita mu "k'ookya bibuuzo." Baamaliriza okwatagana naawe okuva muntandikwa era nga bajja kutambula naawe. Oli wa ddembe obutetaba oba obutamalayo "k'ookya bibuuzo" ono- kya bweyagalire- naye nga twandiyagadde wetabe kitusobosezze okumanya engeri gyetusobola okulongoosa pulogulaamu nga zino mumaaso.

Tujja kubeera ne "k'ookya bibuuzo" ono oluvanyuma lw'emyezi 3, emyezi 6, emyezi 9, emyezi 12 n'emyezi 18 so nga atte CRU (e kitongole ekikola okunonyereza) kijja kuwayo ka bonus 10,000 UGX olw'okwetaba mu "k'ookya bibuuzo" ono.

Manya nti ebiddibwamu byo eri CRU tebijjakosa buyambi buva mu IRC. IRC tegenda kumanya by'ogambye CRU. Twagala CRU ojiwe ebiddibwamu bwo byonna nga bwebiri tusobole okukola enongoosa ez'omumaaso.



Ekirala tugenda kubeera n'ekyuma eky'amassimu ekigenda okukubira lumu na lumu **okutuwa ebikwata ku pulogulaamu era ne bizinessi bwetambula.** Kino tekyetagisa, naye nga twandiyagadde wetabe. Bino bigenda tusobosezza okukola enongoosa ku pulogulaamu eri gwe n'abalala mu biseera by'omumaaso. Wagenda kubawo ka 'bonus' ku buli ssimu ekubwa.

**Essimu kwetukufunira singa ebeera ekyusse, tusaba otutegeeze.**
**Singa oba ofunye essimu empya, tusaba era otutegeeze nga oyita ku nnamba y'essimu 0740 312 273.**


Okwetaba kwo kwa kyeyagalire era nga osobola okuva mu pulogulaamu obudde bwonna bw'oyagadde.

Okuddamu, bino wamanga by'ebbina byetubasaba nga abali ekitundu ku pulogulaamu ya ReBuild.

1. Okwetaba mu buyigirize (mentorship)
2. Okwewa n'okuwa ba 'member' abalala ekitiibwa
3. Okwetaba mu kunonyereza
4. Okututegeeza nga waliwo enkyukakyuka mu ssimu gyetukufunirako

**Biki byetusubira okufunira wamu:**

Ekigendererwa ekikulu okuva eri IRC **kwe kuddukirira banaffe ababundabunda n'abantu ababeera mu bitundu gyebawangalira.** Ababundabunda oba ba 'Refugee' be bantu abawulira oba abatalina buteefu mu nsi gye bava oba gyebazaliddwa. Ababundabunda bajja e Uganda nga bava mu nsi nga Congo, South Sudan, Somalia, Rwanda, Burundi ne 'walala. Bo n'abantu babwe bayisiddwa bubi, era nga ebintu byebwe n'ettaka oluusi n'abengganda zabwe babireka emabega basobole okufuna ebifo ewali obuteefu.



Pulogulaamu zaffe zikolera mu bitundu ebibeeramu Ababundabunda. Ffe tulowooza nga kya mugaso nnyo okuddukirira Ababundabunda n'okubawa ew'okubeera kubanga twagala buli omu mu bitundu bino nga kwogasse Ababundabunda, amaka gaffe, ne mikwano gyaffe awamu n'emilirwano okuyisibwa n'ekisa so si kubolebwa.

IRC yatandikawo pulogulamu ya ReBuild kubanga Ababundabunda, babeera munno mu Kampala era twagala bo ne ba na Uganda ababeera mu Kampala okuganyulwamu. Ba Refugee ne bana Uganda bagenda kwetaba mu pulogulaamu eno.

Okutwaliza wamu, pulojekiti eno erinna akakwaate ku buyambi obuva wabweru obuweebwa Ababundabunda ne banaUganda. **Mu Uganda, ebitundu 30% ku buli kikumi n'okweyongerayo ku buyambi obuva ebweeru nga bwa ba 'Refugee" oba Ababundabunda bugenda mu kuddukirira banaUganda.** Nga ogasse okutumbula bizinessi entono, obuyambi buno bukozeseddwa mu massomero, amalwaliro mu bitundu Ababundabunda mwebawangalira nga kwotadde ne Kampala. Amassomero na'malwaliro gazimbiddwa lwa ba na Uganda ne banaffe Ababundabunda okukozesa. Abawereeza obuyambi okuva ebweeru babuwereza kubanga Uganda yakiriza okuwa Ababundabunda obubuddamu. Ababundabunda bawereddwa omukisa okukola (okufuna bizinessi) basobole okuyingiza ssente.

Ekigendereerwa kyaffe ku pulojekiti eno kwe kuddukirira Ababundabunda be banaUganda mu Kampala mu bizinessi zabwe era nga tuli basanyufu nti oli kitundu ku pulojekiti eno.

Bino byetusubiira okufuna wamu ffena ku ReBuild. Tukuyozayoza okulondebwa era tukwaniriza ku pulogulaamu!

# Akalulu ka ReBuild

Nga ovudde ku ssente za bizinessi, abayigiriza n'abayizi bajja sobola kuwangula ka 'bonus' singa buzinessi z'abayizi zikoze bulungi. Kino tukikoze kubanga twagala buli omu okuwulira ng'abalina akakwaate ku buzinessi ya munne.



**1. Okututegeeza**
**Abayizi balina okutegeeza IRC nga businessi zabwe nzigule okuyingira mu kalulu**

Buzinessi yo erinna okuba nga nzigule eokumala ssawa 20 buli wiiki atte nga ewereza ba kasitoma. Yita ku nnamba y'essimu 0740 312273.

**2. Okukakasa**
**IRC yakukyalira buzinessi y'omuyizi okufuna ebigikwatako nga byakugikozesa okola 'spot-check ' mu budde bw'omumaaso**

Ku buli businessi enzigule, akabondo kaba kafuna omukisa gumu okuyigizibwa mu kalulu

**3. Okulondebwa**
**Ekyuma oba 'computer' egya kukozesebwa okulonda abanaaba bawangudde**

Buli businessi erinna omukisa ogw'omwenkanonkano okulondebwa.



**4. 'Spot-Check'**
**IRC egya kukyalira businessi yo nga tekutegeezeza**

Kuno kugenda kusinzira ku kifo n'essawa z'okoleramu z'otuwadde mu kitundu nnamba 2. Businessi yo bweba teyisse spot=check, business endala egya kulondebwa.



**Buli businessi y'omuyizi elondeddwa atte neyita 'spot-check', buli muyizi mu kabondo afuna ssente 75,000 UGX atte ye omuyigiriza wakufuna ssente 100,000 UGX!**



Buli omu ali mu kabondo asobola okufuna emikisa 3-ku buli muyizi mu buli kalulu. Singa buli businessi y'omuyizi nzigule oluvanyuma lwa wiiki 8, wiiki 16 ne wiiki 24, akabondo kasobola ddala okuwangula akalulu emirundi 9 bwebaba nga bamukisa. Kitegeeza ssente 675000 UGX (buli muyizi 3*wiiki 3*75000 UGX) eri abayizi atte bo abayigiriza, 900000 UGX singa akabondo ka mukisa!

**WETEGEREZE:** Businessi z'abayizi **zirina okukakasibwa** okuyingira akalulu, naye sibuli business ekakasidwa egya kulondebwa newankubadde yayingizibwa mu kalulu.

S

# Entambula y'obudde mu Pulogulamu y'obuyigirize ku Re:Build

Olugendo lwo ku pulogulamu y'obuyigirize ku Re: Build lusubirwa kugenda bweluti. Manya nti buno obudde tuteberezabutebereza, ebimu biyinza okulwawo. Tweyanziza obugumikiriza bwamwe.

✳ Okunyoonyereza
➢ Pulogulaamu ◈ Akalulu

| Olunaku | Obudde | Emirimu Egyisubirwa |
|---|---|---|
| | Entekateeka ya pulogulaamu | ✳ Entekateeka ya pulogulaamu<br>➢ Okutongoza pulogulaamu |
| | Wiiki 1 | ➢ Olukiiko lwababuulirizi buli mwezi lutandika ne lugenda okutuuka mu wiik 25.<br>➢ Okunoonyereza ku kukakasa bizinensi ya IRC kutandika era kugenda mu maaso okutuusa wiiki 25<br>– Abayizi balina okutegeeza IRC nga bizinensi yaabwe emaze okuggulwawo<br>– IRC ejja kukyalira okukung'aanya amawulire okusobola okukeberebwa mu kifo. |
| | … | |
| | Wiiki 4 | ➢ Olukiiko lwababuulirizi buli mwezi lutandika ne lugenda okutuuka mu wiik 24 |
| | Wiiki 6 | ➢ Ssente za businessi |
| | Wiiki 8 | ◈ Akalulu akasooka mu businessi enzigule |
| | Wiiki 9 | ◈ IRC okola 'spot-check mu bawanguzi n'okusasula |
| | … | |
| | Wiiki 12 | ✳ Okunonyereza okuva eri CRU |
| | … | |
| | Wiiki 16 | ◈ Akalulu ak'okubiri mu businessi enzigule |
| | Wiiki 17 | ◈ IRC okola 'spot-check mu bawanguzi n'okusasula |
| | … | |
| | Wiiki 21 | ✳ Okunonyereza okuva eri CRU |
| | … | |
| | Wiiki 24 | ◈ Akalulu ak'okussatu mu businessi enzigule. |
| | Wiiki k 25 | ◈ IRC okola 'spot-check mu bawanguzi n'okusasula |
| | Wiiki 26 | ➢ Okutikira : Ekipalati eri buli omu<br>➢ Akasiimo k'abayigiriza |
| | … | |
| | Omwezi 6 | ✳ Okunonyereza okuva eri CRU |
| | Omwezi 9 | ✳ Okunonyereza okuva eri CRU |
| | Omwezi 12 | ✳ Okunonyereza okuva eri CRU |
| | Omwezi 18 | ✳ Okunonyereza okuva eri CRU |

# Ekiwandiiko ky'amateeka/ enkola effuga eneeyisa mu pulogulaamu y'obuyigirize ku Re:build

## Okwanjula

IRC essubira nti abakozi bonna b'ekola nabo, b'ekolagana nabo ne ba 'client' okukuma amateeka agatereddwawo. Nga abetabi ku pulogulaamu eno ey'obuyigirize ku ReBuild, osubirwa okugoberera amateeka gano. Aateeka gano galiwo kuyamba kuuma obwesige n'okuzimba enkolagana z'obuyigirize atte era n'okukakasa nti buli omu ayisiddwa bulungi.

## Enneyisa/Empisa etakirizibwa

Enneyisa/Empisa ezitakirizibwa zezino wamanga

- Okutulugunya okwekika kyonna
- Enjogera embi, okuvuma, okutunilra abalala obubbi, okukwata, okutuusa obulabe ku muntu omulala, okutisatisa, okuteesa oba okusaba omuntu omula mu buntu oba ku ssimu oba okuyita ku mpuliriziganya yonna.
- Ebikolwa bino si byakitiibwa era bivola ate era biswaza. Tebikirizibwa mu IRC.

## Abayigiriza n'abayizi

Nga omwetabi ku pulogulaamu y'obuyigirize ku Rebuild, nzikiriza:

- Okuwa abalala mu pulogulaamu y'obuyigirize eno ekitiibwa.
- Okwewala okwogera ebitasanidde, okuvuma, okutunulira abalala obubbi, okukwata , okulumya, okutiisa, okusabasaba abetabi abalala
- Okufaayo okufiisa obudde eri pulogulaamu y'obuyigirize : okugenda mu nkiiko nga bwebansabye okumala essawa 1 buli wiiki.
- Okumanya n'okutegeera entabika y'abantu ku pulogulaamu y'obuyigirize n'okussa ekitiibwa mu butonde bwaffe naddala ebika eby'enjawulo gyetuva
- Okukuuma ebyama
- Okuyamba banange okutereza ebizibu ebiyinza okwogerwa mu nkiiko naye nga bisobola okubakosa mu ngeri emu oba endala.
- Okutegeeza omukozi wa IRC ku biki ebiyinza okunteganya okusinzira ku betabi abalala.

## Okutereeza enneyisa etakirizibwa

Buli mwetabi mu pulogulamu y'obuyigirize alina okugoberera ekiwandiiko kino ekikwasisa empisa era n'okukola ensalawo ezisanidde okukakasa nti eneyisa etakirizibwa tebeerawo.

Singa oba toyisiddwa bulungi okuva eri omwetabi omulala, okirizibwa okutegeeza omuntu oyo okulekerawo. Oluusi kino kisoboseza omuntu oyo okukomya empisa eyo. Singa omuntu oyo takyusamu, osobola okuloopa eri:

1) Omukozi wa IRC ku Livelihood Resource Center (LRC)-Nsambya Gogonya Bypass-Zzembe Road
2) Kuba essimu, sindika obubaka oba whatsapp ku: 07403122732
3) Kuba essimu yobwerere ng'oyita ku: 0800 200 506 oba 0200925971

Bwoba wetaaga obuyambi obusingako, IRC esobola okusindika eri obujanjabi, ow'amateeka oba ow'embeera z'abantu okufuna obuyambi.

## Okulwanyisa Okwesasuza/Okutulugunyizibwa

Okwesasuza/ okutulugunyizibwa okwekika kyonna eri omuntu omulala ku pulogulaamu eno, nga aloopye ku nneyisa etakirizibwa gy'alabye oba eyetaba mu kunonyereza ku nsonga yemu nakyo tekirizibwa.

## Okukuuma Ebyama

Singa oba oloopye ensonga yo, egya kutunulibwamu mu bwangu. Bwekiba kyetaagisa, okunonyereza kugya kolebwa. IRC egya kuuma ensonga yo nga ya kyama nga bwesobola.

## Omukono:

**Erinnya:**

---

**Ataddeko omukono:**

---

**Ennaku z'omwezi:**

---

# Emikutu gy'okuddamu okuddamu kwa ba 'client'

**IRC yewaddeyo okubawuliriza n'okuddamu obubaka bwamwe bwemuwayo.**

- ✓ Tuwuliriza ba 'client' baffe era nga tukozesa ebiteeso byabwe okukola ensalawo.
- ✓ Tuwuliziganya ne ba 'client' baffe engeri byebateesa gye bitegeezezzamu ebikolwa byaffe

**Kino kifuula empeereza yaffe okwongera ……**

| Okuleeta enkyukakyuka | Esaanidde | Okwatagana | Obuvunaanyizibwa |
|---|---|---|---|

**Tujja…**

- ✓ Kuddamu mu bbanga lya nnaku 7
- ✓ Kusindika byetutasobodde eri abalala abasobola okubikwasaganya , bwekiba kisobose .

## Yogerako naffe...

Singa ofuna okusoomozebwa kwonna ku pulogulamu y'obuyigirize eya Re:Build- okugeza bwoba oyagala okuloopa ekikweralikiriza kyonna, nsaba otuukirire abakozi ba IRC ng'oyita mu ngeri zino wamanga:


1. Jangu oyogere n'omukozi wa IRC ku office ya Livelihood Resource Center (LRC) e Nsambya Gogonya, Bypass-Zzembe Road.
2. Kuba essimu yobwerere ku 0800 200 506 oba 0200925971
3. Kuba, sindika obubaka oba whatsapp ku : 0740312273
4. Sindika obubaka ku : ugurban.feedback@rescue.org
5. Wandiika obubaka obuyise mu bu 'box' bwaffe obw'ebiteeso obuteeke mu bifo 3 wamanga:
   a) Ku IRC livelihood Resource Center (LRC)- Nsambya Gogonya Bypass-Zzembe Road
   b) Ku office za – Raising Gabdho foundation mu Makindye
   c) Ku office za- MAKASI Rescue Foundation e Najjanankumbi

Singa oba okyusizza ennamba y'essimu oba n'ofuluma Kampala, tutegeeze mu ngeri zino wamanga:

1. Kuba essimu, sindika obubaka oba whatsapp ku: 0740312273
2. Kuba essimu eyobwerere ku 0800 200 506 oba 0200925971

## Ebikwata ku butabanguko obuva/okusinzira ku kikula ky'abantu

### IRC Eri wano okukuwagira!



- ✓ Obakozi ba IRC basolobola okuyamba singa oba ofunye ebigambo ebitasaana, eneyisa,ebiteeso oba okutiisatiisa mukiseera ky'obuyigirize bwo.
- ✓ Singa oba oyisse mu bwogeddwako waggulu, osobola:

1. Ku mbeera ez'amangu oba obuyambi obwamangu nsaba oloope ku **ddwaliro** eri kuri okumpi oba ku **police.**
2. Loopa eri IRC ng'oyita ku nnamba oz'obwerere ku nsonga z'obutonde n'okwekuuma
   - ➢ 800331331
   - ➢ 800331332
   - ➢ 800331333
3. Loopa eri abakozi ba IRC abakola kunsonga z'obutonde wamanga. Bw'oba weetaaga obuyambi obulala IRC esobola okukusindika eri abakugu mu by'obujjanjabi, eby'amateeka oba eby'embeera z'abantu abatuufu ab'omukitundu okufuna obuyambi.
4. Empereeza zaffe zona ku IRC zabwerere. IRC ekola okuva essawa 8 ez'okumakya paka essawa 5 ez'olwegulo

| Erinnya ly'omuntu omukulu. | Omutwe | Ennamba y'esimu |
|---|---|---|
| Bridget Onubia | GBV Focal point | 0777905431 |
| Scovia Auma | GBV Response Officer | 0781442273 |
| Sarah Rasam | GBV Response Officer | 0773993895 |
| Mathew Okot | Protection Officer Focal Point | 0785319356 |
| Eric Okello | Protection Officer | 0774680906 |
| Samson Namonyo | Protection Officer | 0789044914 |
| Maureen Apili | Legal Officer | 0788103960 |
| Elizabeth Tusiime | Legal Officer | 0779667877 |

# Ekitabo ky'okukola ku birimu bizinensi

## OLUKIIKO LUGGULAWO: Okumanyagana

Ekitabo kino eky'olukiiko lw'okutongoza kikoleddwa okuyamba ggwe ne bammemba b'ekibiina kyo okumayagana. Kozesa ebibuuzo n'obulagirizi obuli wansi okulungamya emboozi yo n'okuteekateeka enkiiko z'ekibiina kyo.

**Ebitandika emboozi**

1. Tubuulire ebikukwatako. Osobola okugabana ekintu kyonna ky'oyagala. Ova wa? Okola ki okusanyuka?

   Okutandika okwegezamu, ndowooza nti kirungi singa ffe abasigadde tuwuliriza ne tusirika nga buli omu anyumya emboozi ye.

**Eri omuyigiriza okuddamu:**

Bambi tubuulireko bizinensi yo mu bujjuvu. Bintu ki by'otunda oba by'okola?
Tubuulireko engeri gye watandikamu bizinensi yo.
Bisoomozo ki bye wasanga era wabivuunuuka otya?

**Eri buli omu okuddamu:**

Olina buzinensi mu kiseera kino? Otunda ki oba olowooza kutandika kutunda ki?
Esangibwa wa era osuubira gitandika wa?
Olina kigendererwa ki mu bizinensi eno?
Bisoomozo ki ebikusingira obunene?

**Okuteekateeka enkiiko z'omumaaso:**

Tuwanyisiganye ennamba z'amassimu.
Muteeketeeke omukutu gwa Whatsap mu kakundi kammwe bwekiba kisoboka.
Musalewo 'budde ki ne 'bifo byemunaakunganiiramu wiki ejja.

# Omulamwa nnamba 1: Okwetegekera Okutandikawo Bizinensi

**Ebitandika emboozi**

1. Obeera ne famire yo wano mu Kampala? Ani ali mu maka go?
2. Wakulira wa? Famire yo eva wa?

**EBIRIMU VIDIYO: Kakasa nti vidiyoewerekeddeko mu kitundu jino! Akatambi kano kawandiikiddwaako nti ‘ Okwetegekera okutandikawo bizinensi**

**Okubumbako:**

Waliwo ensonga 3 enkulu ze twetaaga okulowoozaako nga tutandika bizinensi.

Obulamu bw‟omuntu: Okwagala okukola ekintu, ebintu by‟ayagala n‟ebintu by‟ayagala, obulamu bw‟amaka, embeera y‟obulamu n‟ebirala.

Ebyetaagisa okuddukanya bizinensi: eby’ensimbi, abakozi, ebyuma/ebyuma, ebikozesebwa ebisookerwako, n’ebirala.

Engeri y’okuddukanyaamu bizinensi mu kitundu: ekifo, gavumenti, enkola/ebiragiro, ebikozesebwa, ebyenfuna by’ekibiina, okuvuganya, akatale, obuwangwa, n’ebirala.

**Ebibuuzo Ebikubaganya ebirowoozo:**

1. Wali obaddeko ku bunkenke okugezaako ekintu ekipya oba eky’enjawulo naye nga wakikola mu ngeri yonna?
2. Nnongoosereza ki z’olina okukola oba okulowoozaako ku bulamu bw’omuntu ku bubwe, ebyetaago bya bizinensi yo, oba embeera eri mu kitundu ng’otandika oba ng’oddukanya bizinensi?
3. Kiki, oli ku bunkenke ku bikwata ku kutandikawo bizinensi?
4. Kusoomoozebwa ki kw’olina mu kiseera kino okutandika oba okulabirira bizinensi yo? Ebimu ku bigonjoola by’ogezezzaako okutuusa kati bye biruwa?
5. Kiki ekikwenyumirizaamu oba ekikucamula bizinensi yo?

# Omulamwa nnamba 1: Okumnya kasitoma yo ne gy'abeera

**Ebitandika emboozi**

1. Muziki ki oba eby'amasanyu by'oyagala ennyo? Oyagala nnyo okuzina?
2. Olina omuzannyo gw'onyumirwa mu biseera byo eby'eddemb?

**EBIRIMU VIDIYO: Kakasa nti vidiyoewerekeddeko mu kitundu jino! Akatambi kano kawandiikiddwaako nti '*Okumnya kasitoma yo ne gy'abeera*'**

**Okubumbako:**

Okwetaaga: obwetaavu/okwagala ekintu kyo oba empeereza yo mu kitundu

- Kikulu okulowooza ku ani **asaba** ekintu kyo/empeereza yo osobole okutuukiriza ebyetaago bya **bakasitoma bo**

Okuvuganya: abantu abalala/bizinensi bwe baba nga bawaayo ekintu oba empeereza y'emu

- Era kikulu okulowooza ku ani **gw'ovuganya** naye, osobole okuteekateeka engeri gy'oyinza okufuula bizinensi yo ey'enjawulo okusikiriza **bakasitoma**.
- Bwe wabaawo abantu bangi abatunda ekintu kye kimu oba abawa empeereza y'emu, kiyinza okukaluba okufuna bakasitoma

- **Amagezi ag'okwongera ku kutunda:**
  - Kyalira bizinensi z'abavuganya olabe emiwendo gyabwe, ebintu byabwe, n'empeereza zaabwe
  - Yogerako ne bakasitoma okuva mu bizinensi y'abavuganya olabe kye baagala
  - Okusikiriza bakasitoma ng'ofuna eky'enjawulo

Ekifo: Bw'omala okumanya bakasitoma bo be banaaba, osobola okulonda **ekifo** ekisinga obulungi bizinensi yo

- **Amagezi ag'okwongera ku kutunda:**
  - Kyangu eri bakasitoma okutuuka
  - Lowooza ku kubeera okumpi ne bizinensi ezifaananako n'eyiyo
  - Kumpi n'ekifo ekitaliiko bulabe era eky'obukuumi okutereka ssente zo n'ebyamaguzi byo.
  - Awali okwetaaga ekintu oba empeereza gy'ogenda okuwaayo,
  - Lowooza ku ky'okukola ne bulooka ku bifo ebisinga obulungi ebiriwo

**Ebibuuzo Ebikubaganya ebirowoozo:**

1. Lwaki bakasitoma beetaaga ekintu kyo oba empeereza yo?
2. Ani omulala awaayo ekintu oba empeereza eno mu kitundu? Oyinza otya okufuula bizinensi yo ey'enjawulo?
3. Oyinza otya okukolagana n'abantu abalala mu kitundu abakola mu bizinensi efaananako bwetyo?
4. Lowooza ku kifo w'ogula ekintu oba empeereza mu kitundu kyo. Bizinensi eyo eri mu kifo kirungi? Kiki ekigifuula ekifo ekirungi?
5. Ekifo ekirungi kyandibadde ludda wa bizinensi yo? Lwaaki?
6. Okozesezza broker oba omanyi omuntu alina? Ebyo bye bayitamu byali bitya

## EKIWANDIKO EKIKUWEBWA: BA KASITOMA BANGE

| Ekirowoozo kyange ku Bizinensi: | | |
|---|---|---|
| Ani yandiguze ekintu kyange oba obuweereza? | Lwaki bandikigulidde ku nze? | Bandikisasulira ssente mmeka? |
| | | |

## EKIWANDIKO EKIKUWEBWA: EKITUNDU KYANGE KYA BIZINENSI

| Ekirowoozo kyange ku Bizinensi: | |
|---|---|
| Ekifo kya Bizinensi yange | Engeri ekifo kino gye kituukirizaamu ebyetaago bya bakasitoma bange |
| | |

# Omulamwa nnamba 3: Okutunda n'okugereka emiwendo

**Ebitandika emboozi**

1. Wajja ddi e Kampala? Lwaki wasalawo okujja wano?
2. Ekibuga okisanga otya?

**EBIRIMU VIDIYO: Kakasa nti vidiyoewerekeddeko mu kitundu jino! Akatambi kano kawandiikiddwaako nti *'Okutunda n'okugereka emiwendo'***

**Okubumbako:**

Okutunda: emirimu egikolebwa okutumbula ekintu kyo oba empeereza yo eri bakasitoma n'okwongera ku kutunda.

Ekyamaguzi: ekintu oba empeereza gy'osazeewo okutunda. Lirina okwawulwamu mu ngeri emu oba endala ku y'abatunzi abalala. Oyinza n'okuwaayo ebintu oba empeereza ezisukka mu emu, eyitibwa diversifying, okusikiriza bakasitoma.

Ebbeyi: bbeeyi gy'oteekawo ku kintu kyo erina okuba wansi ekimala okusikiriza bakasitoma ate nga ya waggulu okusobola okuwa bizinensi yo amagoba.

Ekitundu: w'otunda ekintu kyo kirina okuba okumpi ne bakasitoma bo so si wala nnyo okuva w'oggya ebigimusa n'okutereka.

Okukuza : olina okunoonya engeri gy'oyinza okubuulira bakasitoma bo ku bintu byo, okugeza ng'oyita mu bipande, samples ez'obwereere, n'okusasula ebisaanyizo.

**Ebibuuzo Ebikubaganya ebirowoozo:**

1. John okuva mu vidiyo gye waakalaba yasikiriza atya bakasitoma bangi?
2. Ggwe n'omubuulizi wo musikiriza mutya bakasitoma? Otegeera otya buli kimu ku bino wammanga era lwaki?
    a. Ekyamaguzi
    b. Ekifo
    c. Omuwendo
    d. Okukuza
3. Biki ebimu ku bintu bye wayiga mu kitundu kino?
4. Obukugu buno ojja kukozesa otya mu bulamu bwo ne/oba bizinensi yo?

**Okwekkaanya!**

1. Ogezezzaako okussaamu ekirowoozo kyonna okuva mu wiiki ewedde? Olina ekibuuzo ekirala kyonna ky'oyagala ekibiina okuva lwe twasembayo okukubaganya ebirowoozo?
2. Kiki ekyasinze okukusoomooza mu bizinensi yo wiiki eno? Okola otya okukivvuunuka? Waliwo omuntu omulala yenna mu kibinja ekyo eyayolekagana n'okusoomoozebwa okufaananako bwe kutyo?

## EKIWANDIKO EKIKUWEBWA 11: ENGERI GYE NSIKIRIZAAMU BAKASITOMA?

| Ekirowoozo kyange ku Bizinensi | |
|---|---|
| Kiki kye nnandikoze mu ngeri ey'enjawulo okusikiriza bakasitoma bangi? | Kiki kye nnandigambye mu ngeri ey'enjawulo okusikiriza bakasitoma bangi? |
| | |

## Omulamwa nnamba 4: Enteekateeka ya bizinensi

**Ebitandika emboozi**

1. Ekisinga okukukubiriza mu mulimu gwo: ssente, obwagazi, banno okussa ekitiibwa mu bantu oba ekintu ekirala.
2. Kiki ky'okola okusigala ng'olina ekiruubirirwa

**EBIRIMU VIDIYO: Kakasa nti vidiyoewerekeddeko mu kitundu jino! Akatambi kano kawandiikiddwaako nti *'Enteekateeka ya bizinensi***

**Okubumbako:**

**Ekiruubirirwa** kintu omuntu ky'akola okutuukiriza.

- Mukubaganye ebirowoozo ku njawulo eriwo wakati w'ekiruubirirwa eky'ekiseera ekitono n'eky'ekiseera ekiwanvu:
    - **Ebiruubirirwa eby'ekiseera ekiwanvu**: Ebiruubirirwa ebiyinza okutuukirira mu bbanga eddene lyokka, gamba ng'omwaka gumu oba okusingawo. Okugeza okugenda mu yunivasite oba okuzaala abaana babiri.
    - **Ebiruubirirwa eby'ekiseera ekitono**: Ebiruubirirwa ebiyinza okutuukirira mu myezi mukaaga, gamba ng'okuyonja ennyumba leero oba okuyita ebigezo mu myezi ebiri.
- Ebigendererwa ebisinga obulungi birina engeri zino wammanga eza SMART. **S**pecific – You should know exactly what you want to accomplish. ***Kilondemu** - Olina okumanya bulungi kyoyagala okutuukiriza*
  **M**easurable – You should be able to gauge progress towards goals. ***Ebipima** - Olina okusobola okupima enkulaakulana okutuuka ku biruubirirwa*
  **A**chievable – The goal should be something you can achieve.
  ***Ebiyinza okutuukirira** - Ekigendererwa kirina okuba ekintu ky'osobola okutuukako.*
  **R**ealistic – You should be able to achieve the goal within the timeframe.

  ***Eky'amazima** - Olina okusobola okutuukiriza ekiruubirirwa mu kiseera ekigere.*

  **T**ime bound – You should set time limits to reach the goal.

***Ebiseera bisibiddwa** - Olina okuteekawo ebiseera ebigere okutuuka ku kiruubirirwa.*

- Tusobola n'okuteekawo ebiruubirirwa mu bizinensi yaffe, ng'okukola **enteekateeka ya bizinensi.**

**Ebibuuzo Ebikubaganya ebirowoozo:**

1. Biki ebimu ku biruubirirwa eby'ekiseera ekitono n'eby'ekiseera ekiwanvu by'otaddewo?
2. Bukodyo ki bwe wakozesa okutuukiriza ebigendererwa bino?
3. Wali okozeeko enteekateeka ya bizinensi emabegako? Kiki kye wayiga ku nkola eno?

**Okwekkaanya!**

1. Ogezezzaako okussaamu ekirowoozo kyonna okuva mu wiiki ewedde? Olina ekibuuzo ekirala kyonna ky'oyagala ekibiina okuva lwe twasembayo okukubaganya ebirowoozo?
2. Kiki ekyasinze okukusoomooza mu bizinensi yo wiiki eno? Okola otya okukivvuunuka? Waliwo omuntu omulala yenna mu kibinja ekyo eyayolekagana n'okusoomoozebwa okufaananako bwe kutyo?

## EKIWANDIKO EKIKUWEBWA: ENTEGEKA YANGE EYA BIZINENSI

Erinnya lya bizinensi:
Nnyinimu (bannannyini):
Okwoogera eri:
Ennamba y'essimu:

### Ennyonnyola ya Bizinensi:

**Okwekenenya Akatale - Kasitoma Wo y'ani?**

**Enteekateeka y'okutunda - Engeri y'okuzifunamu:**

**Enzirukanya ya bizinensi:**

**Emirimu gya Bizinensi:**

**Obulabe Obukulu:**

**Enteekateeka y'okutandikawo bizinensi:**

**Enteekateeka y'omu maaso:**

## Omulamwa nnamba 5: Amagoba, Okukola Embalirira, n'Okuffisa

**Ebitandika emboozi**

1. Kitundu ki ekyasinga obulungi mu wiiki yo wiiki ewedde?
2. Kiki ab'omu maka go kye baasinga okusanyukira oba okusanyukira wiiki eno?

**EBIRIMU VIDIYO: Kakasa nti vidiyoewerekeddeko mu kitundu jino! Akatambi kano kawandiikiddwaako nti *'Amagoba, Okukola Embalirira, n'Okuffisa'***

**Ekiruubirirwa:**

**Amagoba n'okukola embalirira**

**Ebisale by'obulamu**: Ebisale by'ebintu by'olina okuba n'obukuumi n'obulamu obulungi.

**Okwagala:** Wadde ng'ebyo ebimu by'oyagala bikulu okusinga ebirala, bino by'osobola okwongezaayo okutuusa oluvannyuma bwe kiba kyetaagisa

**Ensaasaanya ya Kapito:** Omuwendo gwonna ogw'ebintu by'olina okugula omulundi gumu gwokka okusobola okutandika bizinensi.

**Ensaasaanya y'emirimu:** Ensaasaanya gy'olina okusasula okusobola okusigala ng'oddukanya bizinensi yo.

**Amagoba = Okutunda - Ebisale by'emirimu**

- Okukola amagoba, emiwendo gyo girina okuba waggulu okusinga ku nsaasaanya yo.

**Okwawula Ensimbi z'Omuntu n'eza Bizinensi**

**Ensimbi za bizinensi:** ssente ezisaasaanyizibwa mu kuddukanya bizinensi yo, n'amagoba g'ofuna mu bizinensi yo

**Ensimbi z'omuntu:** ssente ezisaasaanyizibwa ku nsaasaanya yo eya buli lunaku omuli, naye nga tekikoma ku, emmere, engoye, n'obupangisa.

Okutereka

**Okutereka**

**Okutereka:** okuteeka ssente ku bbali okukozesa okuzikozesa oluvannyuma

**Okuddukanya ssente mulimu:** okutereka ssente, okukozesa ssente, okuteekateeka engeri gy'ogenda okukozesaamu ssente zo, n'okulondoola engeri gy'okozesaamu ssente zo.

Emitendera gy'okutereka
1. Londa Ekiruubirirwa ky'Okutereka.
2. Kola Enteekateeka y'okutereka.
3. Manya enjawulo eriwo wakati w'ebyo by'oyagala n'ebyo by'oyagala
4. Okufuga ensaasaanya
5. Lowooza ku biseera eby'omu maaso era otegeke ebyetaago byo
6. Teeka buli kiseera.
7. Teeka mu kifo ekirungi.

**Ebibuuzo Ebikubaganya ebirowoozo:**

1. Osobola okukozesa Handout okuyamba okubala amagoba ga Hawa
2. Osobola okukozesa Ekitabo kino okubala amagoba ga bizinensi yo
3. Lwaki kikulu okwawula ssente z'omuntu ku bubwe n'eza bizinensi?
4. Ebikozesebwa (ssente) biweebwa bitya mu Maka go? Ani asalawo engeri ssente gye zikozesebwamu oba engeri ssente gye ziterekamu?
5. Ebimu ku kusoomoozebwa oba obuwanguzi bw'ofunye olw'okutereka bye biruwa

# EKIWANDIKO EKIKUWEBWA: ENSONGA Z'AMAGOBA

## EMBEERA Y'AMAGOBA 1: HAWA EFUNA AMAGOBA

Hawa mwetegefu okukola endongo ze 10 ezisooka. Ebidomola by'amabaati abisolooza mu kkolero ly'ebidomola n'asaasaanya ddoola 100 ku bintu ebirala by'aba yeetaaga.

Ebikozesebwa bye byonna abikozesa okukola endongo 10. Engoma bwe zibeera ziwedde atandika okuzitunda mu katale. Wiiki bw'eggwaako ng'engooma zonna 10 azitunda ku ddoola 40 buli emu.

**Osobola okuyamba Hawa okubala amagoba ge mu wiiki eyo?**

## EMBEERA Y'AMAGOBA 2: ESSAALE Y'EMIRIMU MU HAWA EGYONGERA

Hawa asaasaanya ddoola 100 ku bikozesebwa bye.

Era asalawo okugenda mu katale mu bbaasi, emumalako ddoola 20.

Ebikozesebwa bye byonna abikozesa okukola endongo 10. Wiiki we ziggwaako, Hawa etunda endongo zonna 10 ku doola 40 buli emu.

**Osobola okuyamba Hawa okubala amagoba ge mu wiiki eyo? Kikyuse kitya? Lwaaki?**

**Eby'okuddamu ku lupapula oluddako**

## EKIWANDIKO EKIKUWEBWA: AMAGOBA GANGE

| Ekirowoozo kyange ku Bizinensi |
| --- |
| Okutunda (ebintu bimeka bye nja okutunda x omuwendo gwa yuniti) - Ebisale by'emirimu = Amagoba |
| Amagoba: |

**Eby'okuddamu okuva ku lupapula oluyise**
Enkola y'amagoba 1: ddoola 300
Enkola y'amagoba 2: ddoola 280

## EKIWANDIKO EKIKUWEBWA: EMBALIRIRA YANGE

Ekirowoozo ku Bizinensi:

Ensaasaanya y'emirimu

+

Ebisale by'Obulamu

+

Ensaasaanya Endala
(Okusasula looni, okutereka n'ebirala)

+

Ebyetago

= **Ensaasaanya yonna awamu**

**By'otunze**

**Amagoba (By'otunze - Ensaasaanya) .**

## EKIWANDIKO EKIKUWEBWA: Olupapula lwange olw'okukola ku nteekateeka y'okutereka

| **Ekiruubirirwa ky'okutereka** | **Okugatta** (Ensimbi z'ekintu) | **Bya ddi?** | **Omuwendo gw'olina okukekkereza Buli Lunaku/Wiiki/Omwaka** |
|---|---|---|---|
| | | | |
| | | | |

**Okwekkaanya!**

1. Ogezezzaako okussaamu ekirowoozo kyonna okuva mu wiiki ewedde? Olina ekibuuzo ekirala kyonna ky'oyagala ekibiina okuva lwe twasembayo okukubaganya ebirowoozo?
2. Kiki ekyasinze okukusoomooza mu bizinensi yo wiiki eno? Okola otya okukivvuunuka? Waliwo omuntu omulala yenna mu kibinja ekyo eyayolekagana n'okusoomoozebwa okufaananako bwe kutyo?

# Omulamwa nnamba 6: Okubala ebitabo n'okukuuma ebiwandiiko

**Ebitandika Emboozi**

1. Ogenda mu kkanisa oba mu muzikiti? Eddiini yo nkulu etya gy'oli?
2. Kiki ky'ojjukira ng'okyali mwana muto?

**EBIRIMU VIDIYO: Kakasa nti vidiyoewerekeddeko mu kitundu jino! Akatambi kano kawandiikiddwaako nti *'Okubala ebitabo n'okukuuma ebiwandiiko'***

**Okubumbako:**

